# KCCA eyimirizza abatunda ebyennyanja lwa bucaafu

Bya ERIA LUYIMBAZI

KCCA evuddeyo ku bucaafu mu katale k'e Ggaba n'eyimiriza abasiika ebyennyanja n'okufumba emmere okutuusa nga balongoosezza we bakolera.

Kyaddiridde amyuka akulira KCCA, Benon Kigenyi n'avunaanyizibwa ku byobulamu, Dr. Sarah Zalwango okulambula akatale kano, ne basanga nga kacuuma naddala we batundira ebyennyanja n'okubisiika. Baasanze wajjudde kasasiro nga kw'otadde n'okucuuma, ekyabawalirizza okubayimiriza mbagirawo.

Baasanze nga ne butto gwe bakozesa addugala ne babalabula nti, yandirwaza bakasitoma be babiguza.

Kigenyi yagambye nti tebayinza kukkiriza batunda byakulya kukolera mu kifo ekicaafu kuba basobola okusaasaanya endwadde, kwe kubayimiriza okumala akaseera.

"Kyewuunyisa nti abantu abatunda ebyokulya ng'ebyennyanja ate bakolera mu kifo ekicaafu. Bw'olaba butto abasiika gwe bakozesa, yeesisiwaza kuba addugala. Oba bino biki bye baliisa abantu?" Kigenyi bwe yennyamidde.

Yagambye nti baatutte butto eyasangiddwa mu makalaayi okumwekebejja okuzuula oba tebalina bye batabikamu okusinziira ku ndabika ye.

N'agamba nti, KCCA eruubirira okulaba nga etangira obucaafu obuyinza okuvaako endwadde eziyinza okubalukawo omuli ekiddukano, omusujja gw'omu byenda n'endala.

Akulira ebyobulamu mu KCCA, Dr. Sarah Zalwango yagambye nti, e Ggaba baazudde nti waliyo abakung'aanya kasasiro ne bamusuula okumpi n'olubalama lw'ennyanja nga beekwasa nti bagoba mazzi, ekintu ekikyamu. Kino kyalabiddwa ku batunda enku.

Amyuka ssentebe w'abasuubuzi, Dirisa Walusimbi Gamwero yagambye nti, okusobola okukuuma obulungi obuyonjo, KCCA erina okubazimbira akatale ak'omulembe. Wabula Kigenyi yamugumizza nti, enteekateeka z'okuzimba akatale ak'omulembe zigenda mu maaso nga bali mu kunoonya kkampuni egenda okukola omulimu guno.

Kyokka yabawadde amagezi baleme kulinda kubazimbira katale kapya wabula, beeyonje nga n'enteekateeka z'okubazimbira bwe zikolebwako.

ERIA LUYIMBAZI



Kigenyi nga yeetegereza butto gwe baasanze nga basiikisa ebyennyanja mu katale k'e Ggaba.

## Abantu kye bagamba



**Suliman Ntambaazi:** Twekolemu omulimu twerongooseze akatale kubanga ffe tukakoleramu. Ssinga bakaggala, era ffe tufiirwa.



**Muhammad Ssekitooleko:** Obukulembeze bw'akatale bwaggwaamu amaanyi, eyali akalongoosa n'alekera awo. Bafune abakalongoosa.



**Joseph Ssekajja:** Twetaaga okufuna obukulembeze obupya mu katale kuba obuliwo bwanafuwa, tebusobola na kulaba bucaafu buli mu katale. Batukkirize tulonde abalala.